**09th July 2017.**

# AKONTANA NE KRISTO EYALIWO N'ALIBAAWO.

**Danyeri 11:21-45.**

[*Olugero lwa bagpiper…..*].
Amakya ga leero mu kweyongerayo kwaffe mu kusomesebwa ku bunnabbi bw'ebyafaayo ebyatuukirira ebyaweebwa malayika Gabulyeri eri omwagalwa era nabbi wa Mukama Danyeri mu ssuula ey'ekkumi n'emu, okuva we twaakoma omulundi oguwedde mwe twaabuulirwa ku bakabaka abalagulwa okutuntuza Abayudaaya era ensi ya Mukama entukuvu, era byonna ne bibaawo mu byafaayo by'ensi, leero tusoma ku basajja babiri nga bombi ba mu kifaananyi kimu, eky'oyo akontana ne Kristo (Anti-Christ).

Eyasooka, ye yali Antiyoka IV Epifani, eyali kabaka w'Abasuuli obwayitwanga obw'akabaka obw'obukiikakkono (North), Aba Selusiidi. Eyajja mu buyinza mu ngeri y'obukujjukujju, muganda we bwe yatemulwa nga bwe twaabuulirwa omulundi oguwedde, ate mutabani we n'asibwa Abaruumi e Roma, nga bwe tusoma mu nny.21……
Yawangula eggye ly'Emisiri nga bwe tubuulirwa mu lnny.22 mu kiseera mwe yattisa omulangira wa Isirayiri kabona Onias III, muganda we Menelawu amuddire mu kifo kubanga baali baliira mu kimu….
Mu bukujjukujju bwe yakolanga endagaano n'abafuzi b'ebukiikaddyo ez'emirembe naye nga z'abulimba n'abalumbanga ng'akozesa be yali aguliridde mu bbo nga bwe tubuulirwa mu nny.23-27…..
Mu lnny. 28, mwe tubuulirwa eby'efujjo bye yakola eri Yerusaalemi mu bufunze nti……Kubanga ku luno lwe yavvoola Yeekaalu n'atta n'Abayudaaya bangi ebyafaayo bibabalira mu mitwaalo kinaana, n'awamba emitwaalo anna be yatwaala ng'abaddu, olw'okuba beegugunga okufuba okuggyawo kabona Menelawu gwe yali ataddewo.
Bwe yaddamu okulumba Misiri mu bbanga ery'oluvannyuma nga bwe tubuulirwa mu nny. 29,30 yalemesebwa amagye g'Abaruumi, ne gamumalamu amaanyi nga bwe zisoma….
Era mu nny.31-39 mwe tubuulirwa obubi ennyo bwe yakola bwe yali addayo ebukiikakkono mu busungu…..

Mu kiseera ekyo, mwe yagolokokera eri ensi ya Isirayiri nga yeekobaana n'Abayudaaya abamu bebaalira awamu mu kambugu, ne batta abasajja, n'abakazi, n'abaana bangi, ne baziyiza okusinza kwonna mu Yeekaalu, ne bakomya okukomola, era mwe yasaddaakira embizzi ku wolutaali ya Yeekaalu n'assaawo n'ekibumbe kya katonda we Zeus, ekyayitibwa eky'omuzizo eky'entiisa, ekifaananwa ekyo ekirikolwa oyo atubuulirwa mu nnyiriri eziddako, Yesu gwe yayogerako mu Matayo 24:15.

Mu lunnyiriri 35, mwe muli okukyuusibwa kw'ebiro ebyogera kw'oyo ow'embala y'emu ng'eyatubuulirwa mu ssuula endala ze twaalaba "ejjembe ettono" (7:7,8,20,21,24-26) ne mu (9:27).

Mu kumaliriza okuva ku lnny 40-45, ezigamba nti……

Wano n'enfo zikyuusibwa mu ntegeera y'azo okuva bwe zaali mu biro ebyedda okutegeeza obufuzi obulibaawo mu biro by'enkomerero.

Era nga wadde tuyinza obutabitegeera bulungi nnyo, byaweebwa okumanyisa okwagala kwa Mukama mukutuukiriza enteekateeka ze zonna, akkirizibwenga era amanyibwenga nga ye Mukama Katonda, nga bwe yagamba mu Isaaya, nti alangirira eby'enkomerero ne bituukirira kikakasibwe nti Ye Mukama.

N'ekirala byaweebwa, mu bbimanya fenna tweeteeketeeke okumulindiriranga okutuusa lw'alituukiriza okwagala kwe ng'okukkiriza kwaffe kunyweevu gyaali.

Kubanga ebiro eby'okusoomoozebwa, oba okuyigganyizibwa byeetaaga nnyo okunyweezebwa kw'okukkiriza n'okuddizibwaamu amaanyi ng'abantu era abalonde ba Mukama.